


Abaawaddeyo ssente nga babuuza ku Musumba Jjumba.

# Aba Caritas banoonya bukadde okuyamba abatalina mwasirizi

Bya HANNINGTON NKALUBO

PULEZIDENTI w'ekibiina kya Caritas ekiri wansi wa Eklezia, Omusumba w'Essaza ly'e Masaka, Serverus Jjumba, akunze abazirakisa bayambeko mu kusonda obukadde 200 ezeetaagibwa okugabirira abalumwa enjala n'abaana enfuuzi.

Bino yabyogedde ku kijjulo ekyategekeddwa ku Hotel Africana mu Kampala mwe baatongolezza kaweefube w'okunoonya obukadde 200 okuyamba ku mulamwa ogwo. Ku kijjulo kino, baasonze obukadde 90 mu buliwo n'okweyama.

Ekijjulo kyetabiddwaako abakungu b'e Mmengo abaakulembeddwa akulira olukiiko olufuzi olw'ekitongole kya BUCADEF, Dr. Benon Muyinza, akulira bbanka ya Centenary, Joseph Balikuddembe, abakungu mu poliisi, abakulira amasomero, amalwaliro.

Ritah Balaka, omu ku bateesiteesi, yalaze ebigendererwa by'okusonda n'agamba nti, baakusomesa abaana abatalina mwasirizi, okujjuna abalumbiddwa ebibamba, okuyamba abaliko obulemu n'ebirala.

Dayirekita wa Caritas mu Uganda, Fr. Hilary Muheerezango yagambye nti, obuyambi babunoonyeza mu mitendera egy'enjawulo nga mulimu obwa ssente n'ebintu ebikalu. Yalaze nti, abasobola okusasulira abaana fiizi babaaniriza nga buli ttaamu bagisasulira 350,000/- era kiva eri asasula okulaga ttaamu z'asasula.

Abadduukirize bangi baasasulidde abaana fiizi ttaamu ssatu. Fr. Hilary yalaze nti, abantu basobola okuyamba nga bawaayo buli mwezi, oli z'asobola kyokka balina n'enteekateeka ya 5,000/- ng'omwaka osasula 60,000/-.